

335/2  
**LUGANDA**  
**Paper 2**  
**Jul/Aug 2019**  
**2 ½ Hours**



**MUKONO EXAMINATION COUNCIL**  
**Uganda Certificate of Education**  
**LUGANDA**  
**(OKUSOMA BWINO, EBYOBUWANGWA NE LITULICA)**

Paper 2  
**ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU**

**EBIGOBERERWA**

- *O lupapula luno lulimu ebitundu ebikulu bisatu A, B, ne C*
- *Ddamu ebibuuozo byonna mu kitundu A ne B.*
- *Mu kitundu C, ddamu ebibuuozo bisatu (3) byokka ng'ekimu ku byo kya bitontome*
- *Ddamu ebibuuozo **bitaano (5)** byonna awamu.*

## EKITUNDU A

**Q.1** Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

Abaganda tulina olugero olugamba nti "Eyeeterekera, butera okukya" kyokka kya nnaku nnyo nti abantu abasinga obungi okutereka tetukitwala ng'ekikulu ennyo. Ensonga nnyingi abantu ze tuwa nti ze zitugaana okutereka ng'ezimu ku zo ze zino; tetulina bintu bingi oba ssente nnyingi nnyo ziri awo nti zitumala okukozaako ate ne tuterekako. Tetulina nnyingiza ya ssente yonna yeetongodde nti tuterekako. Ebizibu bye tulina oba ebyetaago bingi nnyo n'olwekyo tetusobola kufuna ssente zimala okubikolako ate n'okufissaawo z'oterekako. Tomanya gw'oteresezza ayinza okubba ebintu byo oba ssente zo. Abantu abafuna ssente ez'omuzindobe basobola okutereka. N'endowooza endala nnyingi ze twekwasa ku kigambo ky'okutereka.

Ekitulemesa okutereka kyesigamizibwa nnyo ku ndowooza, empisa n'enkola yaffe ey'emirimu, so si kuba nti tetulina ssente ze tuyingiza. Okutereka kwe kufissa ku bintu oba ssente z'ofunye olwaleero ku lw'obulungi bw'enkyo. Omuntu yenna eyettanira era ayagala enkulaakulana atekwa okuba nti ayagala olunaku lw'enkyo, omwezi oguja oba omwaka oguja gubeere mulungi okusinga kati. Naye kino tekituukikako mangu okuggyako nga weerumizza nnyo olwaleero enkyo obeere bulungi.

Ensibuko y'enkulaakulana mu by'enfuna kwe kutereka ssente ku buli kimu ky'ofunye olwaleero n'olabako akatundu n'okassa ku bbali nga ke kalikugasa olw'ebbir.

Okutereka kye kimu ku bintu ebikaluubiriza buli muntu omulamu naddala bw'aba nga tafuna kingi nnyo; okutereka kulimu okusomooza era bw'oba nga tokekereza nnyo ku buli ky'ofunye (ssente oba ebikozesebwa nga bigulibwa na ssente), okutegeka engeri gy'oyagala okuterekamu, n'engeri gy'onookozesaamu ssente z'onooba okuŋjaanyizza oluvannyuma lw'ebbanga lyotegese, n'okubirondoola, okukuuma obutiribiri ssente oba ebintu by'oterese n'okubirondoola, okunywerera ku ky'osazeewo olwaleero nti ojja kuterekanga ssente omuwendo bwe guti buli bbanga bwe liti, okutereka kuba kukulemye!

Buli muntu yenna asaana okutereka ssente. Bangi tugezaako okutereka naye eky'ennaku tetuterekera bbanga ddene nnyo, nga tubivaako, abalala tusigala tukyatereka naye era enkomerero ya byonna ne tusigala nga obulamu bwafe n'embeera yaffe ey'ebyenfuna tekyuseeko. Lwaki? Abalala batereka era oluvannyuma lw'ebbanga n'olaba nga balinawo enjawulo okuva we baatandikira okutereka. Kino kiraga nti si buli muntu nti asobola okuterekwa wabula waliwo abalina ebisaanyizo ebibasobzesha okutandika, n'okusigala nga batereka ate ne basobola okuganyulwa mu ssente zaabwe entereke.

Ebimu ku bisaanyizo oba ebyetaago ebikulu ennyo ate nga byangu buli muntu by'alina okuba nabyo nga tannatandika kutereka; omuntu okuzuukuka, n'asoma embeera ye yonna gy'alimu, emikisa egimwetoolodde, obwetaavu bwe obukulu bwalina, ensasaanya ye nga bw'ayimiridde, n'embeera gy'ayagala okubeeramu enkyo. Omuntu atekwa okukkiriza nti mwavu era atekwa okubaako ky'akolawo enkyo obutaba mwavu. Omuntu atekwa okusalawo okuva mu bwavu era ng'akkiriza nti okutereka ku ssente z'afuna lye kkubo erinaamuyamba okulongoosa embeera

ye.Omuntu ateekwa okuba ng'amaze okusengeka ebiruubirirwa bye mu bbanga eggere by'ayagala atuukirize era ekkubo ery'okufunamu ssente okubitukiriza liri mu kutereka.Omuntu ateekwa okuba ng'akola n'embalirira kw'agulira ebantu ebikozesewba, bw'atyo nga'sasaanya ku ebyo byokka ebyetaagisa ebikulu gyali.Omuntu atekwa okukyawa okwejalabya, era ne bampaane alina okumuvaako.Omuntu ateekwa okuva mu by'amasanyu n'ebinyumu ebirimu okusasaanya omusimbi omungi nga tebirina kye bimuzimba.Omuntu ateekwa okuba omwetefuteefu okweggyako ssente ze n'aziteeka mu bifo ebitongozeddwa gye zisobola okuterekebwa nga si y'azirina mu nsawo ye oba mu nju ye oba mu ofiisi gy'akolera.Omuntu oyo ateekwa okuba nga tasanga buzibu bwonna kugatta ssente ze n'abateresi abalala.

Ebisaanyizo bino, n'ebirala bingi bye bisobozesa omuntu okutandika okutereka, okusigala ng'aterekwa, ate n'okuganyulwa mu ky'aterekwa. Kikulu nnyo omuntu yenna okumanya nti tewali kintu oba ssente ntono mu kutereka.Omuntu asobola okuterekwa okuva ku ssente entono ddala okutuuka ku z'ayagadde buli lw'aterekwa.

#### **EBIBUUZO:**

- (a) Biki ebisinga okunakuwaza omuwandiisi w'ebigambo bino? **(obubonero 4)**  
(b) Omuntu anaaggawala aterekwa ki? **(obubonero 2)**  
(c) Lwaki omuwandiisi atugamba nti tewali kintu kitono oba kinene mu kuterekwa? **(obubonero 2)**

- (d) Nyonnyola endowooza ez'enjawulo eziremesa abantu okuterka ssente. **(obubonero 4)**  
(e) Nyonnyola embeera abateresi abatuukiridde mwe beeyolekera. **(obubonero 6)**  
(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye. **(obubonero 3)**

Okuva ku (g – j) koppolola ekisingako obutuufu **(obubonero 4)**

- (g) Omuntu agenda okuterekwa atandikira ku ki?  
i. Okusalawo nti alina okuterekwa.  
ii. Kuba na nsimbi nnyingi.  
iii. Kwejalabya.  
iv. Kwegobako bantu.

- (h) Emboozi eno omuwandiisi agyesigamizza ku mulamwa ki omukulu?  
i. Okukola ennyo.  
ii. Okwegatta.  
iii. Obuteresi.  
iv. Obulagajjavu.

- (i) Lwaki abantu abamu baterekwa ne balemwa okukulaakulana?  
i. Tebalina bugumiikiriza.  
ii. Okuba n'ensasaanya embi.  
iii. Baba bakyali bato.  
iv. Baba baavu.

(j) Abateresebwa batera kuba na kizibu ki?

- i. Kusenguka.
- ii. Tebalina we batereka.
- iii. Balwawo okusasula.
- iv. Tebalina mazima.

## EKITUNDU B

*Ddamu nnamba 2(a) ne 2(b)*

**2(a)** Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (obubonero 10)

- (i) Akabimbi akatono, -----
- (ii) Abalirira ekigula enkumbi, -----
- (iii) Akajja obunaku keemanya, -----
- (iv) Agenekera, -----
- (v) Abalamu magoma, -----
- (vi) ----- awulikika wala.
- (vii) ----- giwaatula ne giggumiza.
- (viii) ----- teggwa meebaza.
- (ix) ----- eggumba osuula mu luggya.
- (x) ----- teguba muka.

**2(b)** Engero zino zituyigiriza ki mu bulamu obwa bulijo?

*(obubonero 5)*

- (i) “Tudde eka tukube abakazi”, akuba muziziko.
- (ii) Akatono, okalya ne munno.
- (iii) “Wakka awunya”, nga ggw’omulumbye mu nswa ze.
- (iv) Addijjana ekitiko, y’ekiggya.
- (v) Ab’empaka ababiri, tebawala luga.

## EKITUNDU C

*Ddamu ebibuuzzo bisatu(3) byokka ng’obiggya mu butabo obw’enjawulo.*

*Toddamu bibuuzzo bisukka mu kimu ku buli katabo.*

## C.KALINDA: PAWULO KIRIMUTTU

*Ddamu nnamba 3(a) oba 3(b)*

Q.3(a) .... Omusajja eyafa nga mukrisitaayo mulungi yatuukiriza obuvunaanyizibwa bwe ng’omuzadde....”

- (i) Muzadde ki ayogerwako mu bigambo ebyo era biggyiddwa mu ssuula ki ey’olugero?  
*(Obubonero 02)*
- (ii) Omuzadde oyo atuukiriza atya obuvunaanyizibwa bwe? *(obubonero 18)*

***Oba***

3. b) Weesigame ku lugero Pawulo Kirimuttu olage ebintu ebyenjawulo omuntu bye yandikoze okusobola okuba obulungi mu nsi **(obubonero 20)**

**ROBERT G. MUKASA: TOKIYA NNYONGE NTO**

*Ddamu nnamba 4(a) oba 4(b)*

Q.4(a) “.... Enju ezisulwamu abatambuze zaali za bbula... yandimuyambye kubanga ye yekka yeyali amanyi we zaali”

- (i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? **(obubonero 2)**
- (ii) Biki ebyali bibaddewo ng'ebigambo ebyo tebinnayogerwa? **(obubonero 4)**
- (iii) Biki ebyaddirira oluvannyuma lw'ebigambo ebyo? **(obubonero 14)**

***Oba***

4. b) Omuwandiisi w'olugero Tokiya nnyonge nto agenderedde kutulaga ebizibu abaana bye bayitamu nga bakula. Kakasa n'eb yokulabirako okuva mu lugero. **(obubonero 20)**

**WHYCLIFFE KIYINGI: GW'OSUSSA EMMWANYI**

*Ddamu nnamba 5(a) oba 5(b)*

Q.5(a) “..... olundabye n'annangiriza nti ..... mbu ate kati. Ii emmeeza zaffe, ... entebe ....”

- (i) Ani ayogera ebigambo bino era abigamba baani? **(obubonero 4)**
- (ii) Kiki ekyali kibaddewo ng'omwogezi tannayogerwa bigambo ebyo? **(obubonero 2)**
- (iii) Nyonnyola engeri omwogezi w'ebigambo ebyo gy'atambuzaamu obulamu? **(obubonero 14)**

***Oba***

5(b) Laga obukodyo Kiyingi bw'akozesa okutuusa obubaka eri abalabi b'omuzannyo gwa “Gw'osussa Emmwanyi” **(obubonero 20)**

**F.MASAGAZI NE BANNE: BALYA N'ENSEEKEEZI**

*Ddamu nnamba 6(a) oba 6(b)*

Q.6(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**TAATA OBAAWO**

Singa Taata obaawo.  
Ne nkutendera ebiriwo.  
Ebikolebwa bano abaliwo.  
Abatuleetera bino ebiriwo.  
Ne bifufuggaza ffe abaliwo.  
Ne tujulirira abeewo.  
Otuyambe ku baliwo.

Batusonsasonsa ensonga.  
Tebatwagaliza ebiriwo.  
Bwe tusiikisa emikono.  
Tebatwagaliza bubeewo.  
Be tutwalira ebipimo.  
Ebiringa ebya minzaani.  
Ne batuleetera empiima.  
Ezitusojja emitima.  
Ne tujulirira obeewo.  
Otuyambe ku biriwo.

Bwe nafuna ag'essomero.  
Ne bankiikira ensingo.  
Ne bandogaloga mbireke.  
Bwe manyweza bye nnyinza.  
Ne basikattira balabe.  
Bwe mpezezza eby'ensi eno.  
Ne baganoonya nze nveewo.  
Singa Taata obaawo, n'otuyamba ku biriwo.

Bwe mbirojja eby'abalala.  
Tebatebenkera bona.  
Olwa bano abaliwo.  
Batumudde mu ndabika.  
Bawezezza ku zzadde.  
Bafunyeyeo ku buuma.  
Ne bagikiika ensingo.  
Ne balemererwa ensi eno.  
Abalala abo be ambye  
Taata obaawo, twandiwonye ku biriwo!  
Bwe tuliyonse ffenna.

Lwe tukoze tutya Taata.  
Okutebenkera mu nsi eno?  
Lwe tusaze galiwa ssebo.  
Okuwona zino enkonge!  
Wandikomyewo Taata.  
Ne weerolera zino empiiga.  
Empiiga za bano abantu.  
abantu ba kuno abazibu.

**Ebibuuzo:**

- |       |  |               |
|-------|--|---------------|
| (i)   | Lwaki omutontomi yakiwa omutwe guno?             | (obubonero 2) |
| (ii)  | Enseekeezi zeeyolese zitya mu kitontome kino?    | (obubonero 3) |
| (iii) | Ekitontome kino kizimbiddwa kitya?               | (obubonero 7) |
| (iv)  | Embeera y'omutontomi eri etya mu kitontome kino? | (obubonero 3) |

**Oba**

Q.6(b) Nyonnyola engeri Masagazi ne banne gye bayitira mu bitontome byabwe okuyigiriza abantu empisa. **(obubonero 20)**

**P. MUKASA: JJANGU TUTONTOME**

*Ddamu nnamba 7(a) oba 7(b)*

Q.7(a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**OKUSOMA**

Okusoma, ye nga kuteganya!  
Okusoma, ye nga kukooya!  
Kale, ka tukubibwe enkuba!  
Kale, ka twokebwessana,  
Naye kyokka mu maaso ntangaavu!

Okusoma, ye nga kukabassanya!  
Okusoma, ye nga kutawaanya nnyo,  
Kale, ka tusuule essanyu,  
Kale, ka twerese ebbinu,  
Naye kyokka mu maaso kukungula!

Okusoma, ye nga kubonyaabonya!  
Okusoma, ye nga kubobbya omutwe!  
Kale ka tukeere amakya,  
Kale, ka twesubye ezzina,  
Naye kyokka mu maaso buwanguzi!

Okusoma, ye nga kusuula eddalu!  
Okusoma, ye nga kukikiitanya!  
Kale, ka tusiibe enjala,  
Kale, ka tusuule otulo,  
Naye kyokka mu maaso kwesiima!

Okusoma, ye nga kutabula omutwe!  
Okusoma, ye nga kutawunkanya!  
Kale, ka tukooye emitwe,

Kale, ka twesigire ensigo,  
Naye kyokka mu maaso kogobolola!

Okusoma, ye nga kutolontosa!  
Okusoma, ye nga kugumira nkumu!  
Kale, ka tunyigibwe nnyini,  
Kale, ka tusuzibwe awabi,  
Naye kyokka mu maaso eriyo omulyo!

Okusoma, ye nga kuwaŋjangusa!  
Okusoma, ye nga kufuuya empewo!  
Kale, ka tubungeete,  
Kale, ka tutawuke nnyini,  
Naye kyokka mu maaso si kwejjusa!

Okusoma, ye nga kukugira empisa!  
Okusoma, ye nga kuwagala emitwe!  
Kale, ka tukuume empisa,  
Kale, ka tuwagale emitwe,  
Ku nkomerero ya byonna tujaguze!

Okusoma, nga kwa ttendo nnyini!  
Okusoma, ye nga kugasiza ddala!  
Kale, ka twebaze abo,  
Abafuba okuweerera ffe,  
Okututuusa ku ekyo ekigobererwa!

### Ebibuuzo

- (i) Ekiwandiiko kino kizimbiddwa n'ennyiriri mmeka, era ziyambye zitya mu kitontome kino? **(obubonero 05)**
- (ii) Nyonnyola engeri omulamwa gye gusengekeddwa **(obubonero 10)**
- (iii) Omuwandiisi bizibu ki by'alaze ebyeyolekera mu kusoma? **(obubonero 05)**

### *Oba*

Q.7(b) Nyonnyola engeri P. Mukasa gy'ategeka abavubuka basobole okugya obulungi mu nsi.  
**(obubonero 20)**

*End -*